# AMASANNYALAZE GAMUKUBYE NE GAMUTTA NG'ALI KU KIZIMBE

OMUVUBUKA abadde akuba pulasita mu Kizimbe, amasannyalaze gamukubye ne gamutta, munne abadde amutaasa, naye n'atwalibwa mu ddwaaliro ng'alumiziddwa. Bibadde mu Bruno Zooni mu Lower Konge mu Makindye munisipaali, amasannyalaze bwe gasse Basalira 19 ate ne galumya Emmanuel Owomugisha. Omugenzi, abadde ku kizimbe ku mwaliiro ogwokubiri ng'akuba pulasita kwe kukoona ku waya z'amasannyalaze ne gamukuba ne gamuttirawo. Munne Owomugisha, abadde agezaako okutaasa naye ne gamukuba, n'aweebwa ekitanda mu ddwaaliro. Amyuka omwogezi wa poliisi mu Kampala, Luke Oweyesigyire, alabudde abantu okubeera abagendereza nga bakola emirimu mu bitundu omuli amasannyalaze.